# CFA INSTITUTE EKIWANDIIKO KU DDEMBE LYA BAMUSIGANSIMBI

Ekiwandiiko kino ekikwata ku ddembe lya bamusigansimbi kyabagibwa ekitongole kya CFA Institute okuwabula abantu abeetaba mu by'obusuubuzi ku ngeri gyebayinza okukakkalabya emirimu gyabwe. Ekiwandiiko kyekimu kiraga biki abantu bano byebalina okusuubira okuva mu bantu ababatuusaako ebikozesebwa mu busuubuzi. Buli omu okumanya obuvunaanyizibwa bwe kikulu nnyo mu kutereeza enkolagana y'abeetaba mu busuubuzi. Ekiwandiiko kikwata ku nsonga nnyingi gamba ng'okuddukanyamu obusigansimbi, obunoonyereza, entereka y'ensimbi,ebya yinsuwa mpozzi nebikwata ku kugula n'okutunda ettaka n'amayumba kiyite Real estate. Ekiwandiiko kikuyamba ng'olina by'oyagala okwekenneenya mu kusiga ensimbi, okugula n'okutunda emigabo gya kkampuni, ng'oggulawo akawunta mu bbanka ssaako n'okugula amaka. **Okumanya obuvunaanyizibwa bwa buli muntu kiyamba nnyo mu kutereeza enkolagana mu by'obusuubuzi.**

## BIKI BYEWEETAAGA OKUMANYA NG'OKOLAGANA N'ABAKOLA KU BY'OBUSUUBUZI.

1. **Obwesigwa**,obusobozi bwo mu kukola ssaako okugoberera amateeka agafuga ekyo kyokola kiyite Ethical Conduct
2. Okusalawo **okwetengeredde** naddala mu magezi ag'ekikugu agabeera gakuweereddwa
3. **Ebyenfuna byange** okufiibwako okusinga ku bya kkampuni n'ebitongole
4. Okuweereza mu **bwenkanya** n'amazima ng'ofaayo ku balala
5. Okutegeera obulungi ebikwata ku b'okolagana na bo waleme kubaawo **kyekubiira**
6. **Okuweebwa okuwabulwa** okutuufu okusinziira ku mbeera yange ey'ebyenfuna
7. Okuweebwa amawulire ku by'enfuna **buli kaseera** mu lulimi olutegeerekeka obulungi
8. Okunnyonnyolebwa obulungi **ebisale** byennina okusasula mu buli kyengula oba kyenkola, n'okundaga nti bye bituufu.
9. Ebyama byange **okukuumibwa** obulungi
10. Ssaako okutereka byonna **ebikoleddwa ku lwange** obulungi

**Genda ku cfainstitute.org/futurefinance**

© 2018 CFA Institute. All rights reserved.